

Luganda - Is God a Trinity?

KATONDA ALI MUBASSATU?

(Katonda kitaffe, Katonda omwaana, ne Katonda omwoyo?)

FUNA OKUTEGEERA ENKOLAGANA WAKATI WA KATONDA NE YESU

Bwonomala okusoma akatabo kano on'oba omaze okufuna okudiibwamu ebibuzo binno wansi:

1. Nkolagana ki eri wakati wa Katonda ne Yesu?
2. Yesu ayitibwa ani mu njiri?
3. Lwaki Yesu tasobola kuba Katonda.
4. Omwoyo omotukuvu kyeki oba Ye ani?
5. Nkolagana ki egenda okuberawo wakati wa Katonda ne Yesu mu biseera ebijja?

1 NKOLAGANA KI ERI WAKATI WA KATONDA NE YESU?

Ebya wandiikibwa bingi nyo ebyogera ku mbera ya Yesu n'enkolaganaye ne Katonda. Baibuli etegeza nti Yesu mwaana wa Katonda. Era eyogera nti Katonda kitaawe.

Laba malayika wa mukama bwe yagamba Matyamu: "Oliba olubuto nti era olizaala omwaana ow'obulenzi, olimutuuma erinya Yesu. Oyo aliba mukulu, aliyitibwa Mwaana w'oyo Ali Waggulu ennyo" (Lukka 1:31,32).

Kulunaku Yesu Iweyabatizibirwako, eddobozi lyava muggulu nerigamba nti: "Oyo ye mwana wange, gwenjagala, gwensanyukira ennyo" (Matayo 3:17). Omwana tayinza kubera y'omu ne kitaawe, era ne Katonda tayinza kubera y'omu n'omwanawе Yesu. Yesu kifannanyi kya Katonda; kitaawe, ayolesa, embeera ya Katonda eri abantu" (Beb. 1:3).

Bwe wetunulira mu ndabirwamu, olubamu ekifaananyi kyo. So nga naye ekifaananyi ekyo mubuntu si yeggwe: Ba taata b'abaana be basoka okuberawo. Era ne Yesu bwatyo naye ng'omwana kye kimu.

Petero atugamba mu bbaluwaye nti: Yesu "yategereebwa" mubirowoozo bya Katonda nga ensi tenetondebwа, "naye nalabisibwa ku nkomerero ye biro kulwamwe?" (1 Petero 1:20).

Yesu teyaberawo okuva oluberyeberye nga Katonda, naye yazalibwa buzalibwa. Ku banga ebyawandiikibwa bitegeza nti: "Mukama yayagala ensi nnyo bw'ati n'okuwayo n'awaayo omwana we eyazaliibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula, naye abere n'obulamu obutaggwaawо (Yokana 3:16).

Era nga Katonda bwe yayita nga Yesu nti "Omwana wange emwagalwa ennyo", bwatyo ne Yesu emirundi mingi yayita nga Katonda nti: taata wange. Lumu yagamba bwati: "((enda eri, Kitange: kubanga kitange ansinga obukulu." (Yokana 14:28).

Bweyabuziibwa kunkomerero y'omulembe gunno, Yesu yabadamu nti: "Naye eby'olunaku olwo, oba ekiseera ekyo, tewali amanyi, newakubadde....newakubadde omwana, wabula kitange." (Makko 13:32). Webuze kino nti: obanga Katonda yekka yamanyi, nga ne Yesu tamanyi, bayinza batya okubera nga benkanakana?"

Yesu yagamba, ng'amaze okuzukira nti: "Nninya muggulu eri kitange era kitammwe, eri Katonda wange, era Katonda wanwe" (Yokana 20:17).

Soma mu Abakolinso ekitabo ekyokubiri ensula 11 akanyiriri 31 (2 Bak. 11:31). Omutume Paulo agamba bwati: "Katonda kitaawe wa mukama waffe Yesu." Waliwo enjawulo wakati wa Yesu ne Katonda.

Mu Ba kolinso ekisooka essula (11) olunyiriri (3) tusoma nti: Omutwe ggwo musajja ye Kristo...n'omutwe ggwa Kristo ye Katonda. Jukira nti ekyawandiikibwa kino kyalivo nga Yesu azukidde takyaffa nate era ng'alinye mu ggulu, naye nga era tebenkanankana!

Mubutufu, Yesu akyali muntu, so si Katonda. Ekyawandiikibwa kitutegeza nti, "Kubanga waliwo Katonda omu, era omutabaganya wa Katonda n'abantu, omuntu Yesu Kristo". (1 Tim. 2:5). Yesu tabangako "Katonda omwana". Ababiri ba njawulo.

Yokana mubaluwaye agamba bwati: "Buli omu ayatula nti Yesu mwana wa Katonda, Katonda abera mu ye, era naye mu Ye" (1 Yok. 4:15).

2 YESU YE ANI MU NJIRI?

- (a) Omwana w'omuntu (emirundi 81);
- (b) Omwana wa Katonda (emirundi 27);
- (c) Omwana wa Daudi (emirundi 17);
- (d) Omwana omwagalwa ennyo (emirundi 7).

Yesu ayitiibwa omwana w'omuntu kubanga yazalibwa mukazi, ate omwana wa Katonda kubanga Katonda ye kitaawe, ate omwana wa Daudi kubanga wa ku lu lyo lwa kabaka Daudi era agenda kuda nate kunsi okuba kabaka okutula kuntebe ya Daudi ey'obwakabaka. Kubanga yali mugonvu eri kitaawe.

Mubyawandiikibwa ebyo byona byetujjiliza 133, Yesu eyitibwa omwana wa Katonda. Waliwo enjawulo eri ye ne Katonda. Tulina okukiriza Baibuli kyetubulira.

3 LWAKI YESU TASOBOLA KUBA KATONDA

Ne wa kubade nga Katonda ne Yesu bali bumu mubikigendererwa, omulimu gwabwe gwa njawulo. Katonda ya wa Adamu ekiragiro. Naye Adamu nayonona olwo kugyemera Katonda. Olwensonga eyo abantu bona baffa. Olwokusobozesa obulokozi okuberawo, omuntu atayononangako ye yali asobola okuza omuntu eri Katonda. Omuntu oyo ye Yesu Kristo (1 Bak. 15:20-23,42-49).

Katonda yali nga tasobola kukoola mulimu gunno kubanga ye taffa ate ssimwononyi. Katonda takemebwa na bubi (Yakolo 1:13). Katonda taffu naye Yesu yalima omubiri oguffa, era nga asobola okukemebwa era nga Kisoboka okwonoona, ne wa kubadde nga teyakukoola. (Beb. 2:18; 4:15). Bwatyo Katonda yawayo omwana we ensi esobole okulokolebwa kububwe" (Yok. 3:17). Bwetwali nga tukyali mu bibi byaffe, Kristo na tufirira, "nate tulokolebwa mibusungu kububwe" (Bar. 5:8,9).

Katonda tayonona era taffa. Kale yalete obulokozi ng'ayima mu Yesu, eyatufirira ffe.

Singa kyalivu nti Yesu yali tasobola kwonona, obuwanguzi bwe kibi kumusalabba, tekwandibaddemu makulu. Nbiwensonga eno Yesu tasobola kubera omu kubussatu (Katonda kitaffe, Katonda omwaana, ne Katonda omwoyo).

4 OMWOYO OMUTUKUVU KYEKI OBA YE ANI?

Ebyawandiikibwa bitugamba nti omwoyo omutukuvu mmanyi ga Katonda so si muntu. Katonda afuge amanyi ge gano oba omwoyo we. Malayika yagamba Malyamu nti: "Omwovo omutukuvu alikujjira, n'amanyi g'oyo aliwaggulu ennyo gali kusikiriza, era ekyo ekirizalibwa kye kiriva kiyitiibwa ekitukuvu, omwana wa Katonda" (Lukka 1:35). Ekitufu kiri nti Katonda ya kozesa amanyi ge okuleta okubawo kwa Yesu, omwana we.

5 NKOLAGANAKI WAKATI WA KATONDA NE YESU EGENDA OKUBEREWO MU BISEERA EBYO MU MASO EBIIJA?

Nawankubade nga Yesu kati takyadamu kuffa, omulimu ggwe guliba gwa njawulo kw'ogwo ogwa Katonda. Katonda aija kusindika Yesu kunsi okutandiika obwakabaka mu biseera ebitali byawala

(Zak. 9:9,10; Matayo 25:31). Yesu alifuga nga kabaka, okutusa lwa lowayo obwakabaka eri Katonda. Yesu ng'omwana wa Katonda ataffa aliba wansi we- " Katonda alyoke abeerenga byonna mubyonna" (1 Bak. 15:23-28).

Naffe kisoboka okubera mu bwakabaka bwa Katonda, okufuna omukiisa ogw'obulamu obutagwaawo nga Yesu akomyewo, Nolwekyo kitugwanidde:

- (a) Okukiriza ebigambo kya Katonda n'o kukuma ebiragiroye.
- (b) N'O kwagala ekirabo kya Katonda kyeyatuwa eky'omwana we omu yekka.
- (c) N'O kwagala okusamu ekitibwa omulimu gwa Yesu ogw'okutufirira.

Ka Yesu yenyini amalirize ne bigambo bino:

"Buno bwe bulamu obutaggwaawo, okukutegeera ggwe Katonda omu ow'amazima n'oyo gwe watuma, Yesu Kristo" (Yok. 17:3).